

Aba UEDCL nga basomesa ab'e Kibuli ebikwata ku masannyalaze.

# Babalabudde ku kubba amasannyalaze

Bya MUSASI WAFFE

ABAKUGU mu kitongole ekivunaanyizibwa mu kubunyisa amasannyalaze bagenze bukubirire e Kibuli mu Kisaasizi zooni okutaasa embeera olw'abantu abafa olw'amasannyalaze amabbirire.

Omuntu omu ye yafudde olwa waya z'amasannyalaze ezitambuzibwa mu bumenyi bw'amateeka. Kigambibwa nti yafudde ayanika ngoye mu nkuba.

Kisaasizi zooni kimu ku bifo by'omugotteko mu Kibuli, kirimu abantu abasoba mu 800 era Uganda Electricity Distribution Company (UEDCL) baasanze amayumba mangi, amasannyalaze babbirira mabbirire.

Ying. Andrew Katazwa n'aba UEDCL abalala baasomesezza abantu akabi akali mu kubba amasannyalaze ne bategeeza nti tekikoma ku kufiiriza ggwanga, kitwaliramu n'obulamu ssinga omuntu akwata ku waya eriko amasannyalaze.

Baakubirizza abantu okwewala okubba amasannyalaze bagende mu UEDCL bayambibwe. Ying. Jimmy Mukambya yagambye nti baakizudde ng'ennyumba ezisinga tezisaana kuba na masannyalaze kuba teziri ku mutindo.

Amyuka RCC wa Makindye, Gift Atuhirwe yasabye abatuuze okugondera amateeka. baleme kubbirira masannyalaze.